BITM NO. 8

OKUTEGEKA N'OKUKUUMA OBUDDE

Ekigendererwa kyakatabo kano kwekunyonyola obukulu bw'okutegeka no kukuuma obudde mungeri ennungi ey'okuddukaanya n'okutuukiriza emirimu. Kwanjula obukulu, amateeka n'emitendera gyokutegeka n'okulaga obwetaavu bwebigendererwa ebyokukuma obudde obulungi.

AKATUNDU 1 OKUTEGEKA

Okutegeka kye ki?

Ekigambo kino kitegeeza abantu okuba nga balina obusobozi obwokukolera awamu okusobola okutuukiriza ebigendererwa ebimu.

OKUTEGEKA MUBAMU BINO:

- Okulaga emirimu egyetaagisa okukola
- Yawula ebyokukola ebyenjawulo, olwo nno biwebwe abo ababisobola obulungi ennyo
- Gabanya abuvunaanyizibwa mu bantu abenjawulo abanabikola (tuma) era banyonyole ekyokukola kyenyini, engeri, naki, ddi era nensonga lwaki
- Kakasa nti abantu bakolera wamu okusobola okutuukiriza ebiruubirirwa byomulimu.
- Wayo ebyokukozesa nga obuwunga, ebyuma nebilala ebyetagisa olyoke otambuze omulimu era osobole n'okutuukiriza byolubirira.

Enteekateeka ennungi ey'omulimu n'olwekyo eyamba okugabanya emirimu ekinakusobozesa okufulumya n'okuzaaza. Kiyamba abantu bonna mu mulimu gwo okukola nga balina okukkiriza okukola nga bagenderera ebyo ebyabawereddwa nga bitegekedwa eyo amutegesi.

EMIGASO GY'OMULIMU OMUTEGEKE OBULUNGI

Obusobozi bwokutegeka obulungi busobola okuviraamu obuwanguzi bw'omulimu mungeri nga zino wammanga.

- Emirimu gitambuzibwa bulungi nga tewalli ayingirira munne, wewala obukuubagano.

- Wabawo obwangu nokufuna amaanyi agakusobozesa okwanganga ebizibu byokutandika omulimu omulala n'obwetaavu bwabantu bo.
- Kitaasa omulimu ogumu okukolebwa abantu abangi nokwewala okwonooneka nokusasaanya ebikozesebwa.
- Okugabira abantu emirimu egibasanira ate emituufu kiba kyangu kireeta okumatira kw'omuntu n'okulongoosa omulimu gwe ate nenkolagana ennungi.
- Kiyambna omulimu okutambula obulungi nga omaze okwetegereza nokutukiriza ebyetaagisa okusomako ebyabakozi basobole okukola obulungi okusingako.
- Kiyamba okukwataganyiza awamu okuva eri buli omu.

EKIFANAANYI KYOKUTEGEKA

Ekifanaanyi kyokutegeka kinyonyola engeri omuntu gyategekamu emirimu era n'okukwataganya abakozi ne mukama waabwe agirabirira (oba abagirabirira). Kino bulijjo kiragibwa bulungi ku kyetuyita ekipande ky'okutegeka emirimu. Kino kyekifaananyi ngekindererwa kyakyo kyakulaga bakozi nabalala abitongole byonna obyemirimu, buli kitongole kyekikola (bwekiba ekinene nga kisobola okwawulwamu obutundutundu obuvunanyizibwa obuwereddwa buli mukozi ate n'obuyinza (obuyinza okusobola okukola) omuntu byalina. Wansi kyekyokulabilako kyekipande kyontegeka yemirimu.

<u>ENTEGEKA YEMIRIMU EYA MAGOBA</u>



EKIFANANYI NO. 1

Kino ekitongole kirina abakozi bana. Akulira banne (alabirira) omutwe gw'omulimu ate obusaale bulaga omuntu gwebalabirira. Akulira, akubiriza omukwasi we ssente nakuma sitowa ate akwata ensimbi n'alabirira attunda edduuka.

ENTAMBUZA Y'OMULIMU

Entekateeka eno ebamu amadala gano;

1) Okusalawo mirimuki egigenda okukolebwa
2) Okukwataganya obyokukola awamu ebisobola okukolebwa awamu
3) Okugaba obuvunaanyizibwa/emirimu
4) Okugaba olukusa olwetaagisa emirimu okusobola okukolebwa.

Entambuza yomulimu nolwekyo giba emitendera egiteekwa okuyitibwamu okuleeta amaddala g''buvunaanyizibwa ate n'olukusa nga lugenderako.

AMATEEKA GOMULIMU

Okusobola okutegeka obulungi n'okutuukiriza, waliwo amateeka agatali gamu gewetaaga okugoberera.

Gegano:

(1) Okugatta ebigendererwa – kakasa nti abakozi bonna bakolerera ekigendererwa kye kimu – eky'omulimu.
(2) Okutuukiriza emirimu gyonna giteekwa okukolebwa ku ddaala elyawaggulu.
(3) Okugabanya emirimu: Buli omu akole ekyo kyasinga okutegeera, sibonna kukola ekintu kyekimu, kijja kukolebwa n'obugayavu ate kiyinza n'obutavaamu.
(4) Obuwangazi bwendabirira – Abantu basobola okulabirira abakozi abatonotono. Bwebabeera abangi okutuukiriza kukendeera.
(5) Olujegere lwokulabirira emirimu – watekeddwa okubaawo olunyiriri lwebigobererwa ebyatekebwawo n'omuntu avunanyizibwa awa obuyinza. Mu kafanaanyi wagulu wobuyinza bweyongera tugeze nga bwova mu dduuka alitunda okudda ewomukwasi we ssente ate n'osembyayo abakulira ebiddukanya.
(6) Okutuma: Kino kitegeeza okugaba ku buyinza mu bantu webusanira. Teri asobola kukola byonna, nolwekyo kiba kyetagisa okwongera okulongoosa okusobola okutuukiriza okugabanya/okutuma kitegeeza okwesiga/okukakasa omuntu omulala asobola okukola nawa kyewandikoze.

(7) Ebyokukola nabivunanyizibwako mu mulimu biteekwa okulagibwa bulungi okwewala okutabukatabuka nokubigatikagatika.
(8) Empuliziganya: Awatali mpuliziganya nnungi mubuli ngeri mumirimu mujja kubaamu obutekakasa, okutabukatabuka era kino kiyinza okukendeeza ku kutuukiriza obulungi.
(9) Okugatta okukubiriza: Bulu muntu yandibadde alabirirwa omuntu omu, so si abasinga kwomu. Kino kitutaasa okusooka, mirimu obutamanya gwani gwentekedwa okukola okusooka.
(10) Etteeka eritali lya bulijjo: Buli mukozi katugambe atwala okusalawo ku bimukwatako. Tetusubira katugambe omutunzi we dduuka mu kifanaanyi No. 1 okusalawo ku ssente meka ezitekwa okuba emisaala gyabakozi abalala.
(11) Okuba omweteefuteefu okukyuka mu bwangu bwokuteeka munkola ebyetaagisa kulwobwetaavu bwabaguzi nebirala ebikwatagana n'obutale.
(12) Enkyukakyuka eziddiringana. Omulimu gubeera awo nga tegukyukako, gujja kusigala mabega. Okukyusa teeka lyabutonde.

ENKWATA Y'OBUDDE

Enkwata y'obudde kye ki? Enkwata yobudde gwe mutendera gwokukwata obudde ate nenkozesa yaabwo ennungi; okusobola okubufunamu obulungi. Obudde kyekimu ku bintu ebisinga obukulu ebikozesebwa okusobola okubeezawo omulimu. Obudde bwoba obukozeseza mungeri etezaala magoba tosobola ku buzaawo.

Okusobola okutaasa obudde, n'okubukozesa obulungi wetaaga okubera nentegeka ennungi nga bwekisoboka. Kino kitegeeza okuba nga otegera ebyo byoyagala okutuukiriza buli lunaku era nokukiwandika wansi ku lupapula kunkomerero yolunaku ddamu nate okebere olabe oba nga ofunye kyewategeka okukola.

OKUKUUMA OBUDDE

Bulijjo abantu abatakuuma bulungi budde tebasobola kukwata bisubizo ebirala. Kumulimugwo bwoba tokuuma bisubizo byabaguzibo bajja kuddukako.
Wansi zensonga lwaki abamu balemelerwa okukuuma obudde:
1) Ekyo kyogenda okukola ekikuli ku lusegere bwoba tokiraba nga ekikulu, tosuubiza kukikola.
2) Okukola omulimu ng'obudde buyise tekirabika nga ekiyinza okukosa enyo oba ekizibu ekikulu. Wegendereze. Ebivaamu oyinza okubyejjusa oluvanyuma.

3) Essawa zabaddugavu. Abantu abamu balowooza nti omuddugavu tasobola kuva munkola eyokukerewa saawa emu oba ebbiri. Essaawa eno emu esobola okuleetawo enjawulo mu kufuna omukisa gw'omulimugwo ogwokufuna omukisa ogulabikako omulundi gumu mu balamubwo ate n'ogufiirwa. Kino kijja kubawo oba oli muddugavu oba nedda.

Endowooza ennungi eri enkwata y'obudde

1. Beera nendowooza ey'obwetaavu, kijja kukuyamba
2. Twala obudde obwokuwayo ekyetaagisa nga ekikulu era togezaako kusubwa nakamu, oyinza okufirwa gwoguza,
3. Wewe obudde obugere ku kyogenda okukola
4. Manya kyoyinza okukola mu kutuukiriza ekitundu ekimu ekyo mulimu, lino lye dddala erisooka okukikolera mu budde;
5. Yiga okugabanya ku mirimu eri abalala bw'oba omanyi nti tosobola kukola mulimu ogwo mu budde;
6. Agalimu aganene gagabanye mu butonotono bukwateko ogumu nga gudde ku gunaagwo,
7. Salawo ku bikugasa eri omulimu gwo nebitali byamugaso ogambe nti nedda kwebyo ebitali byamugaso tobimalirako budde bwo.

Ebisumuluzo by'okutuukiriza obuwerezabwo eri gwowereza bye bino:

- Okutukiriza (abawereza otya obulungi)
- Obwangu bw'okubawereza (obalinza nya) ate;
- Emiwendo gyo: by'otunda bijja mu miwendo naddala ngosinzira kwewagulira. Bandisobodde okufuna yo ekisinga kubibyo awalala kumiwendo egyo gyenyini oba egiri wegigyo.

Tosobola kukola kino okujjako nga okutte bulungi obudde bwo.